# Asabye abazadde ku nkuza y'abaana

Bya
EDWARD
KASIRYE


Sserugo ng'ayogera.

OMWAMI wa Kabaka atwala eggombolola y'e Gombe yennyamidde olw'abazadde abasudde obuvunaanyizibwa bwabwe n'abasaba okutuula n'abaana baabwe abakuze bakubaganye ebirowoozo.

Erick Sserugo agamba nti, kino kivuddeko obutabanguko mu maka okuli n'okutting'ana naddala mu ggombolola eno ng'emirundi egisinga kiva ku bazadde obutakwataganа n'obutabaawo kwogerezeganya. Yabyogeredde mu kwanjula kwa Cliar Nakisitu mu maka ga Kefa Kisitu mu ggombolola eno. Yakuutidde Nakisitu okugondera bba, asobole okuwangaalira mu ddya ppaka kufa.

Ye omubuulizi w'Ekkanisa ya St. Johns, Kitanda yasabye abaafumbiddwa banywerere mu ddiini.